Enneeyoleka ya siliimu kattira mu nsi yonna

Wetwogerera kati, kisuubirwa nti abantu abakunukkiriza mu bukadde amakumi ana be balina akawuka ka siliimu mu nsi yonna, so ng'ate abantu obukadde abiri mu butaano bo bafudde olw'akawuka kano n'endwadde ezikeekuusaako. Kituufu siliimu asaasaanidde ensi yonna, era kino kimufuulira ddala okuba naawookera era kattira w'obulwadde bwennyini. Akawuka akaleeta siliimu kazuuliddwa mu buli kanyomero kansi, yadde ng'obungi bwako bukirana mu bitundu ebitali bimu. Amawanga agali wansi w'eddungu Sahara ku lukalu lwa ssemazinga w'Afirika ge gakyasinze okukosebwa ennyo obulwadde buno kumpi mu buli kanyomero. Okufa obulwadde obuleetebwa akawuka kano tekikoma mu kukosa abo abafa bokka wabula ate ky'ongera n'okukendeeza ku buyambi eri abo abali mu famile omuli abalwadde ba siliimu mu ngeri nti ssente zigenda nnyingi mu kusasulira obujjanjabi bw'omulwadde wamu n'ebyendabirira ebirala ebigenderako. Abo bo abali mu myaka emikakaalukanyi bo bafuuse ba nnambalujega, kino ne kyongera okukendeeza ku muwendo gw'abo abali mu myaka gino abasobola okwetuusaako bye baagala. Abaana basigaddewo nga baamulekwa nga bazadde baabwe bafudde, so ng'abamu ku baana bano nabo kumpi balinze magombe oluvannyuma lw'okuzaalibwa n'akawuka akaleeta obulwadde bwa siliimu.

Amawanga agali wansi w'eddungu Sahara ku lukalu lwa ssemazinga w'Afirika kati gasuubirwa okuba nga galimu abaana baamulekwa abakunukkiriza mu bukadde kkumi nabuna, nga bano balekeddwa ttayo oluvannyuma lwa bazadde baabwe okufa siliimu. Bwe tuba twogera ku nnawookera wa siliimu, tuba twogera ku kintu ffena ekitukwatako, si nsonga oba tulina oba tetulina kawuka ka siliimu. Nawookera ono abunye enkulungo y'ensi, era ali mu buli kanyomero na mu buli maka. Ebizibu ebisuliridde okuva mu bukadde n'obukadde bw'abaana abasigadde nga tebaliiko mwasirizi byo bingi ddala, naddala engeri abaana bano gye bakula nga tewali abakubiriza, nga tebalina bikozesebwa, ate nga n'oluusi bakula basuuliddwa ttayo wamu n'okuboolebwa mu bitundu gye babeera. Kyo kituufu nti omulimo ogw'okulwanyisa obulwadde buno gukyali munene ddala, era obuyambi obw'engeri yonna bukyetaagibwa okulaba nti butuulibwa ku nfeete, nga muno mw'otwalidde obuyambi obukwata ku by'okusoma, obwo obukwata ku by'obujjanjabo oba obuyambi obw'engeri endala yonna, nga muno mw'otwalidde n'obwo obukwata ku kutumbula obutebenkevu mu bitundu gye tubeera.

Ekisinga obukulu, singa twegattira wamu – jjajja alabirira bamulekwa, abo abeenyigidde mu by'okusomesa ku bulwadde buno, minisita wa gavumenti atwala ensonga z'ebyobulamu, oba ne nnaggagga asobodde okutoola ku by'obugagga bwe okuyamba mu ngeri yonna esoboka – tujja kuwangula obulwadde buno obutufuukidde olukokobe.

South Africa:

South Africa erimu abantu abasoba mu bukadde ana mu musanvu era yeemu ku nsi zi naggwadda eziri lu lukalu lwa ssemazinga w'Afirika. Ng'eggwanga, abantu baalyo tebawangaala nnyo, ng'abasajja bawangaala emyaka 47 ate abakyala ne bawangaala emyaka 49, so nga kumpi ebitundu asatu mu bina ku buli kikumi eby'abantu abali mu ggwanga lino baavu balunkupe abataweza yadde eddoola za Amerika bbiri ku nsimbi ze balina okukozesa okweyimirizaawo bul lunaku (kwe kugamba nti ssente ze balinawo okweyimirizaawo teziwera yadde enkumi ennya eza Uganda olunaku). Abantu abasoba mu bukadde obutaano n'ekitundu be balina siliimu mu ggwanga lyonna, kino nga kitegeeza nti ku buli kikumi eky'abantu mu ggwanga lino, kuliko kkumi na munaana n'obutundutundu munaana (18.8%) abalina akawuka ka siliimu. Kino kino kiba kitegeeza nti kumpi ku buli bantu bataano, omu ku bo aba alina akuwuka ka siliimu. Wetwogererera kati, abaana akakadde kalamba n'emitwalo amakumi abiri be balekeddwa ttayo olwa nnawookera ono, nga ku bano, emitwalo abiri mu ena nabo balina siliimu.

Swaziland:

Swaziland ate yo kati eri mu katuubagiro kumpi n'okusinga ku South Afirika singa oba otunuulidde omuwendo gw'abantu baayo abalina akawuka ka siliimu ku buli kikumi (33.4%). Wabula bwe tudda ku bungi bw'abantu abalina akawuka ka siliimu, ate olwo omuwendo gw'abantu abalina akawuka ka siliimu mu Swaziland gubeera mutono ddala, engeri gye kiri nti ensi eno erimu abantu batono ddala (abantu ng'akakadde kamu). Abakyala mu nsi eno basuubirwa okuwangala emyaka asatu mu mwenda gyokka ate abaami basuubirwa okuwangala emyaka 36. Kisuubirwa nti abantu emitwalo ng'abiri mu ebiri kati be balina akawuka ka siliimu mu Swaziland, ekitegeeza nti abantu asatu mu basatu n'obutundutundu buna ku buli kikumi (33.4%) (ku abo abali wakati w'emyaka 15-49) balina akawuka akaleeta siliimu. Wabula, abakyala kkumi n'omu ku buli kikumi nga balina akawuka ka siliimu be bokka abafuna obujjanjabi okuziyiza abaana baabwe abali mu lubuto okukwatibwa akawuka ka siliimu.

Ethiopia:

Ethiopia y'emu ku mawanga g'Afirika agasingamu abantu abangi, ng'abantu abali mu ggwanga lino basukka mu bukadde nsanvu mu musanvu. Yadde kino nga kiri bwe kiti, omuwendo gw'abantu abalina akawuka ka siliimu ku buli kikumi mutono ddala ng'ogugeraageranyiza n'oguli mu mawanga agali mu maserengeta g'Afirika agoogeddwako waggulu. Wetwogerera kati, omuwendo gwennyini ogw'abantu abalina akawuka ka siliimu ku buli kikumi mu Ethiopia tegumannyiddwa, wadde nga kiteeberezebwa nti gwandiba mu kigero ky'abantu bana ku buli kikumi (4%). Ekitongole ky'Amawanga amagatte ekikola ku nsonga za siliimu (UNAIDS) kigamba nti abantu abakulu abalina akawuka ka siliimu mu ggwanga lyonna bali awo wakati w'ebitundu zero n'obutundutundu mwenda (0.9%) n'ebitundu bisatu n'obutundutundu butaano (3.5%) ku buli kikumi. Wadde ng'emiwendo gino giraga nti abantu abalina akawuka ka siliimu ku buli kikumi batono ddala, naye olw'okuba nti Ethiopia erimu abantu bangi, kino kigireetera okubeera emu ku mawanga agasinga okubeeramu abantu abalina akawuka ka siliimu mu nsi yonna.

Abantu kinaana ku buli kikumi ababeera mu Ethiopia beerya nkuta; beeyimirizzaawo ku ssente ezitawera yadde ddoola bbiri ez'Amerika, ate nga n'obuwangaazi bwabwe bwetoololera awo mu myaka ng'ataano gyokka. Olw'obutamanyira ddala muwendo mutuufu ogw'abantu abalina akawuka ka siliimu ku buli kikumi mu Ethiopia, ekitongole kya UNAIDS kiteebereza nti wakati w'emitwalo ataano n'akakadde kamu mu emitwalo asatu be bayinza okuba n'akawuka ka siliimu mu ggwanga lino (gyo emiwendo gya gavumenti giraga omuwendo muneneko: abantu akakadde kamu mu emitwalo nkaaga bebasuubirwa okuba n'akawuka ka siliimu). Endwadde ezeekuusa ku siliimu ziresse kumpi abaana emitwalo kyenda nga baamulekwa, kyokka nga ku bano, abiri mu bataano ku buli kikumi be bali mu ssomero. Ebikwata ku miwendo gino kizibu okubimanyira ddala mu butuufu bwabyo mu kiseera kino, engeri gye kiri nti okwekebeza omusaayi kikyali kizibu ddala okujjako eri abo abali mu bibuga ebinene ate ng'omuwendo gw'abakyala abali embuto so ng'ate era balina n'akawuka ka siliimu abeenyigidde mu nkola ey'okuziyiza akawuka ka siliimu okukwata abaana baabwe abatannazaalibwa teguwera yadde omuntu omu ku buli kikumi.

Nigeria:

Nigeria, ng'ogigeraageranyizza n'amawanga amalala getwogeddeko waggulu, yeesanga mu mbeera yeemu ng'eyo eri mu Ethiopia. Omuwendo gw'abantu abalina akawuka ka siliimu guyimiridde ku bantu bana ku buli kikumu, naye olw'okuba nti Nigeria erimu abantu abasukka mu bukadde kikumi mu asatu mu kamu (*131 million*), kino ate nayo kigifuula okuba emu ku mawanga agasinga okubeeramu abantu abangi abalina akawuka ka siliimu mu nsi yonna. Obuwangaazi bw'abantu mu Nigeria buli mu myaka ng'ana mwetaano, so ng'aba-Nigeria abasukka mu kyenda ku buli kikumi tebaweza yadde ddoola za Amerika ebbiri ku nsimbi ze balina okukozesa okweyimirizaawo buli lunaku. Okusinziira ku kitongole kya UNAIDS, Nigeria erimu abantu abalina akawuka ka siliimu abakunukkiriza mu bukadde busatu, so ng'ate abo abafudde obulwadde buno balesse ba mulekwa abakunukkiriza mu kakadde kalamba. Nga bwe twalabye ku Ethiopia, omuwendo gw'abakyala abali embuto so ng'ate era balina akawuka ka siliimu abeenyigidde mu nkola ey'okuziyiza akawuka okukwata abaana baabwe abatannazaalibwa teguwera yadde omuntu omu ku buli kikumi. [*Kino nno kitegeeza nti omuwendo gw'abakyala abeenyigidde mu nkola eno mutono nnyo ddala*]. Okunoonyereza kulaze nti ebyenjigiriza okubeera ebya wansi kye kimu kubikyazingamizza enkola ey'okuziyiza akawuka ka siliimu mu Nigeria, anti abakyala kkumi na munaana ku buli kikumi (18%) bokka (ku abo abali wakati w'emyaka 15-24) be bamanyi engeri omuntu gy'ayinza okutangiramu ensaasaanya y'akawuka ka siliimu.

India:

India nayo yeemu ku nsi ezeetaaga okutunuulira n'eriiso ejjogi, yadde oluusi tugibuusa amaaso, naddala engeri gye kiri nti omuwendo gw'abantu abalina akawuka ka siliimu teguwera wadde omuntu omu ku buli kikumi (<1%). Naye kirina okujjukirwa nti yadde omuwendo guno mutono ddala, abantu ababeera mu India basuubirwa okusingako mu kawumbi akalamba. Kino nno kiba kitegeeza nti omuwendo gw'abantu abalina akawuka ka siliimu mu India gukunukkiriza mu bukadde omukaaga (*6 million*). Obuwangaazi bw'abantu b'omu India busukkako mu myaka enkaaga, so ng'ate abantu kinaana ku buli kikumi essente ze balina okwebeezaawo mu bulamu bwabwe teziwera yadde ddoola za Amerika bbiri buli lunaku. Omuwendo gw'abantu abalina

akawuka ka siliimu abafuna eddagala erikendeeza ku bungi bw'akawuka mu musaayi (eriyitibwa ARVs) mutono ddala, kumpi ng'era bwe kiri mu Nigeria ne Ethiopia, anti abakyala musanvu ku buli kikumi abali embuto ng'ate balina n'akawuka ka siliimu be bokka abenyigidde mu nkola ey'okuziyiza akawuka ka siliimu okukwata abaana baabwe abatannazaalibwa. Mpozzi amawulire amalungi gali nti omuwendo gw'abantu abakozesa obupiira bu-kakuumabulamu (kondomu) mu ggwanga lyonna guli waggulu (abantu abasukka mu ataano ku buli kikumi bakozesa obupiira buno bwe beegatta ne baganzi baabwe abatali bankalakkalira) so ng'ate era ne pulogulaamu ezikwata ku kusomesa abantu ku bikwata ku kawuka ka siliimu oba ezo ezisomesa ku bikwata ku ngeri abantu gye bayinza okwekuumamu akawuka ka siliimu nazo zituuse ku bantu bangi bekikwatako.

United States of America:

Ku bukadde bw'abantu ababeera mu Amerika obukunuukkiriza mu bisatu (*300 million*), abantu abalina akawuka ka siliimu tebawera yadde omuntu omu ku buli kikumi (<1%). Ku bantu akakadde kamu n'emitwalo abiri abalina akawuka ka siliimu mu ggwanga lino, nsanvu ku buli kikumi ku bo bali ku ddagala erikendeeza obungi bw'akawuka ka siliimu mu musaayi eriyitibwa ARVs.

Ukraine:

Ensi eno eya Ukraine, esangibwa mu bugwanjuba bwa Bulaaya, erimu abantu abakunukkiriza mu bukadde ana mu mukaaga, nga kubo omuntu omu n'obutundutundu buna (1.4%) ku buli kikumi be basuubirwa okubeera n'akawuka ka siliimu. Abantu abasukka mu mitwalo ana be balina akawuka ka siliimu so ng'ate omuwendo gw'abantu abakwatibwa siliimu gulinnye nnyo mu myaka mitono egyakayita. Ebitundu asatu ku buli kikumi eby'abakyala abalina akawuka ka siliimu ate nga bali mbuto be beenyigidde mu nkola ey'okuziyiza akawuka ka siliimu okukwata abaana baabwe abatannazaalibwa, so ng'ate omuwendo gw'abantu abakozesa akapiira ka-kakuumabulamu (kondomu) n'abantu abatali baganzi baabwe abenkalakkalira nagwo guli waggulu – kwe kugamba abakyala nkaaga mu batano ku buli kikumi (65%) n'abaami nsanvu mu basatu ku buli kikumi (73%) abeegatta n'antu abatali baganzi baabwe abenkalakkalira bakozesa akapiira ka kondomu okwekuuma okukwatibwa akawuka ka siliimu. Wabula, abantu musanvu ku buli kikumi ku abo abalina akawuka ka siliimu be bokka abali ku ddagala erikendeeza ku bungi bw'akawuka ka siliimu mu musaayi eriyitibwa ARVs.

Thailand:

Thailand erimu abantu abakunukkiriza mu bukadde nkaaga mu butaano, nga ku bo, abantu asatu mu babiri ku buli kikumi (32%) babeerawo ku busente obutawera yadde ddoola za Amerika bbiri buli lunaku. Abantu abasukka mu mitwalo ataano be balina akawuka ka siliimu mu Thailand; kwe kugamba nti omuntu omu n'obutundutundu buna ku buli kikumi (1.4%) alina akawuka ka siliimu mu ggwanga lino. [*Kino nno kiba kitegeeza nti ku buli bantu lukumi, kuliko abantu abalina akawuka ka siliimu 14, ate ku buli mutwalo babeera abantu 140*]. Wetwogerera kati, abakyala amakumi asatu ku buli kikumi eky'abakyala abalina akawuka ka siliimu ng'ate bali mbuto be bokka abeenyigidde mu nkola ey'okuziyiza akawuka okukwata abaana baabwe abali

mu lubuto so ng'ate abantu nkaaga ku buli kikumi ku abo abalina akawuka ka siliimu be bafuna eddagala erikendeeza ku bungi bw'akawuka ka siliimu mu musaayi eriyitibwa ARVs.

Brazil:

Brazil kati erimu abantu abasukka mu bukadde kikumi mu kinaana mu butaano. Ku bano, abantu abalina akawuka ka siliimu tebawera muntu omu ku buli kikumi (<1%). Obuwangaazi bw'abantu b'omu Brazil buli mu myaka nga nsanvu, so ng'ate abantu abiri mu babiri ku buli kikumi (22%) baavu ddala ababeerawo ku ssente ezitawera yadde ddoola za Amerika ebbiri buli lunaku. Kisuubirwa nti abantu ng'emitwalo nkaaga mu ebiri mu Brazil be basuubirwa okubeera n'akawuka ka siliimu, naye kumpi nkaaga ku buli kikumi (60%) eky'abakyala abalina akawuka ka siliimu ate nga bali mbuto be bokka abeenyigidde mu nkola ey'okuziyiza akawuka ka siliimu okukwata abaana baabwe abatannazaalibwa.

Uganda:

Kisuubirwa nti mu Uganda mulimu abantu abakunukkiriza mu bukadde amakumi abiri mu mwenda. Omuwendo gw'abantu abalina akawuka ka siliimu gusuubirwa okuba wansi w'abantu musanvu ku buli kikumi (under 7%). Obuwangaazi bwabanna-Uganda buli mu myaka ng'ataano, so ng'ate kisuubirwa nti abantu abalina akawuka ka siliimu bakunukkiriza mu kakadde kalamba. Okwongereza ku ebyo, kisuubirwa nti abaana kumpi akakadde kalamba baamulekwa abaafiirwako bazadde baabwe olwa siliimu; era kisuubirwa nti emitwalo kkumi ku baamulekwa bano nabo balina akawuka ka siliimu. Abakyala kumi na babiri ku buli kikumi (12%) ku abo abalina akawuka ka siliimu ate nga bali mbuto be bokka abeenyigidde mu nkola ey'okuziyiza akawuka ka siliimu okukwata abaana baabwe abatannazaalibwa, so ng'ate abantu abasukka mu makumi ataano ku buli kikumi (*over 50%*) ku abo abalina akawuka ka siliimu be bali ku ddagala erikendeeza ku bungi bw'akawuka ka siliimu mu musaayi eriyitibwa ARVs; okusinziira ku miwendo okuva mu kitongole kya UNAIDS. Abantu abakozesa kondomu basukka mu makumi ataano ku buli kikumi (*over 50%*), so ng'ate omuwendo gw'abasajja abeenyigira mu kwegatta n'ono n'oli guli waggulu ddala.

Ekibuuzo: Lwaki ekintu kino nsonga nnyo, ffena gye tulina okusaako essira?

Okuva nnawookeera wa siliimu ono lwe yabalukawo, ffena tuzze tukola ensobi – [naye] tusobola okuyigira ku nsobi zaffe. Tewali ddagala livumula siliimu, kale nno okusomesa abantu ku ngeri gye bayinza okwekuumamu okukwatibwa siliimu nsonga nkulu ddala, bwe tuba nga tunaasobola okulwanyisa akawuka ka siliimu. Si buli kimu nti tukimanyi; wakyaliwo ebintu bingi ddala ebikyanoonyerezebwako, era ne mu musomo guno ekintu – eky'okuba nti si buli kibuuzo nti kiriko ekiddibwamu – tugenda kukiggumiza.

Twogedde ku ngeri siliimu gy'akosamu amawanga, naye mwe mulowooza kiki ekisinga obukulu mu kitundu kyammwe? Bintu ki ebyamaanyi ebizze ne siliimu mu kitundu kyammwe? Akawuka ka siliimu kabakosezza katya mu kiseera kino oba mukasuubira kubakosa katya mu biseera eby'omu maaso?

Ebirowoozo:

1. Obutasobola kukola mirimo, ekintu ekijja okukosa ebyenfuna,
2. Omuwendo gw'aba mulekwa okweyongera (baamulekwa abatasobola kusoma, abatakuziddwa bazadde, bino nno nga byonna byongera okunyigiriza embeera zaabwe mu biseera eby'omu maaso)
3. Abantu okuba nga tebakyasobola kuwangaala nga bwe kyalinga edda, obulwadde bw'akafuba (TB) okweyongera, amalwaliro okuba nga tegakyasobola kuwanirira balwadde (anti nga gajjudde abalwadde, abamu ku bo nga balwadde ba siliimu)
4. Ebbulwa ly'emirimo (eri abo abalwadde kko n'abo ababalabirira)
5. Essente ezisaasaanyizibwa mu kujjanjaba n'okulabirira abalwadde okweyongera, kino nno ate ne kivaamu ebizibu ebirala mu maka gamba ng'ebbula ly'emmere, n'ery'ebintu ebirala gamba ng'obujjanjabi eri abantu abalala abali mu maka, abaana okuba nga tebakyasobola kusoma, abaana abato okwenyigira mu mirimo egitali gya myaka gyabwe (basobole okufuna ekigulira magala eddiba), mpozzi ate n'abantu abalala okufa olw'ebbula ly'obujjanjabi n'ebintu ebirala ebikozesebwa mu maka.
6. Okusonga ennwe mu bantu abalina siliimu ekireetawo okusososlagana
7. Endowooza enkyamu ezikwata ku bulwadde bwa siliimu, n'obutaba na mawulire matuufu agakwata ku bulwadde bwa siliimu, bino ne bireetera obulwadde okweyongera mu bantu wamu n'okusonga ennwe mu bantu
8. Abantu abali mu myaka emikakaalukanyi bakosebwa mu ngeri ez'enjawulo (baba tebasobola kukola; abantu abali mu myaka gino be basinga okwenyigira mu bikolwa eby'okwerigomba)
9. Ebintu ebisinga okubimalira mu kulabirira abalwadde ba siliimu kino ate ne kireetawo ebbula ly'ebikozesebwa mu biseera ebirala. Akawuka ka siliimu kasobolera ddala okukosa buli omu (mugagga oba mwavu, abantu abeegatta n'ono n'oli, oba abo abeegatta omulundi gwabwe ogusooka).

Ekimu ku bintu ebitambudde obulungi wamu n'ebyo ebigaanyi ku nsonga ezikwata ku nnawookera ono mwe muli eky'okulabika kw'obujjanjabi. Kyo kituufu nti okulabika kw'eddagala kintu kikulu ddala, anti kiyambye mu kukuuma obukadde n'obukadde bw'abantu abalina akawuka ka siliimu nga bakyali balamu. Wabula, okulemererwa kweyolekedde mu ngeri ezitali zimu. Wadde obujjanjabi buno obuyitibwa "*antiretrovirals*" (oba ARVs mu bufunze) tebuwonya siliimu, busobolera ddala okuyamba abo abalina obulwadde bwa siliimu. [*Kyokka*] obujjanjabi buno buliko amateeka agakwata ku kumira eddagala lya ARVs agateekeddwa okugobererwa ebbanga lyonna so ng'ate n'agaamu ku go si mangu gakutuukiriza nga bwe kiragirwa. Ekirala, n'obujjanjabi bwennyini nabwo buliko obukwakkulizo bwabwo. Ebizibu ebisingira ddala okwekiika mu nkola ey'okutuusa eddagala lino eri abo abalyetaaga mulimu eky'okuba nti si lyangu lya kufuna ate nga liri ku buseere.

Eddagala lya ARVs nga kye lijje likolebwe, amakampuni agaalikola gaali tegakkiriza makampuni malala gonna kukola ddagala liryefaanaanyirizaako, nga gayitira mu mateeka agafuga eby'obusubuzi mu nsi yonna. Amateeka gano (agakugira amakampuni amalala okukola eddagala eriryefaanaanyirizaako) geesigamiziddwa ku ndagaano ekwata ku by'obusuubuzi mu nsi yonna eyitibwa TRIPS (Trade-related intellectual property rights). Olw'amateeka gano, amakampuni amakozi g'eddagala gaali gasobola bulungi okutunda eddagala lino ku bbeeyi gye

gaagaadde, era kino kyennyini kye gaakola. Mu butuufu, ku ntandikwa y'emyaka gy'ekyenda (early 1990's), eddagala lino nga ligula ddoola za Amerika ezisukka mu mutwalo omulamba (ze za Uganda ng'obukadde kkumi na musanvu omwaka). Ekiseera kyatuuka ensonga ezikwata ku mateeka gano ne zikwata wansi ne waggulu era nga zeetoololera nnyo ku by'obufuzi bw'amawanga mu nsi yonna. Ku ludda oluwagira amateeka gano yaliyo gavumenti z'amawanga gamba ng'eya Amerika, ekitongole ekikola ku by'obusuubuzi mu nsi yonna (World Trade Organization), wamu n'amakampuni g'eddagala amalala ate ku ludda olugawakanya yaliyo abalwanirizi b'eddembe ly'abalwadde ba siliimu, abantu abalina obulwadde bwa siliimu wamu ne gavumenti ya Brazil.

Brazil:

Abantu abasooka okukeberebwa ne basangibwa nga balina akawuka ka siliimu mu Brazil bazuulwa ku ntandikwa mu myaka gy'ekinaana nga gitandika (early 1980's). Ebitongole ebitonotono byamerukawo okulabira abalwadde ba siliimu, so ng'ate n'abantu b'eggwanga lino, kumpi ng'abasinga bakatoliki, basitukiramu ne beegatatta ku kikungo ekikwata ku kusomesa abantu ku bulwadde buno era ne bakubira ne gavumenti omulanga ebeeko ky'ekolawo ku nsonga z'obulwadde bwa siliimu ng'ekizimba tekinassamba ddagala. Gavumenti nayo yasitukiramu n'eteekawo enkola ey'okulaba nti obupiira bu-kakuuma bulamu (kondomu) bufunika ku ssente ensaamusaamu, kko n'okugaba obukadde n'obukadde bwa kondomu ku bwerere. Kino nno kyavaamu ebibala, era enkozesa y'obupiira bwa kondomu yeeyongerera ddala okuva ku bantu bana ku buli kikumi (4%) okutuukira ddala ku bantu ana mu munaana ku buli kikumi (48%) omwaka ogwa 1999 we gwatuukira. Ng'eno eddagala bwe lyeyongera okukolebwa, ng'ate n'abalwanirizi b'eddembe ly'abalwadde ba siliimu bwe beeyongera okuta akaka, Pulezidenti wa Brazil yayisa etteeka eriwa buli mulwadde wa siliimu omukisa ogw'okujjanjabibwa ku bwerere. Okusobola okutuukiriza kino, gavumenti ya Brazil yasalawo okuwakanya etteeka erigaana amakampuni amalala okukola eddagala lya ARVs bw'etyo n'etandika okwekolera eddagala eryayo ku bwayo. [*Brazil yakola eddagala nga lyefaananyiriza ne liri erikolebwa amakampuni g'eddagala amanene (generic drugs), yadde nga yali teweereddwa lukusa lwonna okuva ewantu wonna*]. Omuwendo gw'abantu abafa siliimu gwakendeerera ddala ebitundu ataano mu bina ku buli kikumi (54%) mu bitundu ebyali bisinze okukosebwa obulwadde buno mu kiseera ekyo.

Amateeka Brazil ge yawakanya gaali gawagirwa amakampuni g'abasuubuzi amanene ddala, era amakampuni gano kye gaakola kwe kwekubira enduulu mu kitongole ekikola ku by'obusuubuzi mu nsi yonna wamu ne mu gavumenti ya Amerika okulaba nga Brazil eyimirizibwa okwongera okukola eddagala eryefaananyirizaako n'eryo erikolebwa amakampuni g'eddagala ga-kirimegga. Brazil nayo teyatuula butuuzi. Yayongera okwekenenneenya endagaano ya TRIPS, n'ezuulamu akawayiro akaali kakkiriza amawanga okukola eddagala eryefaanaanyiriza n'eryo erikolebwa amakampuni g'eddagala amanene (generic drugs), naddala singa mu mawanga ago mubeeramu embeera eyeetagisa okufunira abantu eddagala nga lino mu bwangu obw'ekitalo ddala. Go amakampuni amakozi g'eddagala amanene gagamba nti ssente ezikosebwa mu kunoonenyereza ku ddagala nga terinnafuluma wamu n'ezo ezikozesebwa mu kulikolera ddala nnyingi nnyo, era ye nsonga lwaki nago eddagala gaba galina kulitundira ku buseere.

Ekitongole ekya nnakyewa ekiyitibwa *Doctors Without Boarders* kikubiriza amawanga galangirire nti gali mu mbeera eyeetagisa okufunira abantu baagi obujjanjabi obwa mangu kino

kigasobozese okukola eddagala eryefaanaanyiriza ne liri erikolebwa zi kampuni zi naggwadda. Naye ekizibu nti ekintu kino kitambudde kasoobo. Brazil yo ku bwayo yakkirizza dda okuwa amawanga amalala agakyakula omukisa ogw'okugiyigirako ku ngeri yo gy'esobodde okufunira abantu baayo eddagala, era ekkiriza ne teginologiya waayo wamu n'abakugu baayo okukozesebwa mu kukola eddagala eryefaananyiriza liri erikolebwa amakampuni amanene.

South Africa:

Mu kugeerageranya, tusobola okutunuulira eggwanga erya South Afirika. Eggwanga omuli amakampuni amakozi g'eddagala agawerako so ng'ate n'abantu baayo tebali bubi nnyo mu byenfuna era South Afirika y'emu ku mawanga agasinga okubeera n'embeera y'ebyefuna ebitumbuse obulungi ku ssemazinga w'Afirika. Mu biseera bya Mandela, omuwendo gw'abantu abalina akawuka ka siliimu gwali guyimiridde ku bantu munaana ku buli kikumi (8%). Mbeki bwe yajja mu buyinza, kitono ekyakolebwa ku nsonga za siliimu era obulwadde bwo bweyongera kwegiriisa. Omwaka gwa 2001 we gwatuukira, omuwendo gw'abo abalina akawuka ka siliimu gwali gulinnye nga guweze abantu abiri ku buli kikumi (20%). Mu katuubagiro kano, Mbeki ate weyaweera munnassaayansi Omumerika omulimo ate eyavaayo n'agamba nti akawuka akamanyiddwa nga '*HIV*' si ke kaleeta obulwadde bwa siliimu. Munnassaayansi ono ensi teyamuwagira era abantu bavaayo ne bamuvumirira olw'ebyo bye yali ayogedde.

Mu mwaka gwa 2000, olukungaana lw'ensi yonna olukwata ku siliimu lwatuula mu kibuga Durban ekya South Afirika. Mu lukungaana luno, bannassaayansi enkumi ttaano okuva mu nsi yonna bassa emikono ku kiwandiiko ekyakazibwako erya *Durban Declaration* nga bagamba nti akawuka akamanyiddwa nga '*HIV*' ke kaleeta obulwadde bwa siliimu. Mu 2002, gavumenti ya South Afirika yasingibwa omusango ogwali gugiwaabiddwa abantu abalina akawuka ka siliimu n'ebitongole ebyannakyewa; era okumeggebwa kuno kwagireetera okukkiriza n'okukyatula nti ddala eddagala erikendeeza obungi bw'akawuka ka siliimu mu musaayi ddungi era likola. Era gavumenti yatandika okugaba eddagala eriziyiza abaana okukwatibwa siliimu okuva ku ba maama baabwe mu malwaliro gonna ku bwereere. Kati nno ndowooza tulaba engeri enneeyisa ya gavumenti bw'eyinza okukosa oba okuwanirira enkumi n'enkumi z'abantu abalina obulwadde buno.